KIZITO MUSOKE



Kkonteyina eyateereddwa mu mulyango n'eremesa mmotoka eziyingiza z'ebyamaguzi.

# Gavt. ewaddde abasuubuzi ssente

Bya HANNINGTON NKALUBO

ABASUUBUZI bamufunampola mu butale bagudde mu bintu, Gavumenti bw'etandise okubawa ssente z'akatale eza looni ze bamaze ebbanga nga basaba.

Abakulira ekitongole kya Micro Finance Support Centre omuyita ssente za Gavumenti baategeezezza nti abasuubuzi abaasooka okusaba ssente zino okuva mu butale 6 mu Kampala baatandise okuzifuna.

"Twabasindikidde ssente ku masimu gaabwe era tekibeetaagisa kusooka kuggulawo akawunti mu bbanka wadde okuba n'omusingo gw'ebyapa nga bwekiri ku ssente za bbanka endala ezeewolebwa," omwogezi wa MFSC, Tadeo Atuhura bwe yagambye.

Kino kikakasiddwa eyali akulira akatale k'e Nakasero, Faridah Kimuli nga kati muwabuzi wa Pulezidenti ku nsonga z'obutale eyagambye nti ab'e Nakasero baazifunye dda ate obutale obulala nga St. Balikuddembe (Owino) nabo baatandise okuzibasindikira ku ssimu zaabwe.

Kiddiridde abasuubuzi okusooka okutabuka nti ssente ziruddewo ate nga baasoma dda era ne basisinkana omuwabuzi wa Pulezidenti ku nsonga z'okukunga abawagizi ba NRM, Moses Byaruhanga ne bamwanjulira ebizibu bye balina n'abakakasa nti amangu ddala ssente bagenda kuzibawa.

Ku Ssande, abakulembeze okuva mu butale 6 obusoose okuweebwa ssente, baabayise mu lukiiko ku Kolping Hotel e Bwaise ne babasomesa n'okubategeeza nti entegeka yaggwa dda era buli omu alinde ssente ze ku ssimu.

Omwogezi wa MFSC, Tadeo Atuhura yategeezezza nti baatandikidde mu butale okuli St. Balikuddembe, Kaleerwe, Busega, Gaba, Nakawa ne Nakasero.

Atuhura yategeezezza nti abasuubuzi bano babawola ssente okusinziira ku busobozi bwabwe wabula batandikira ku 50,000/- okutuuka ku bukadde bubiri. Yagasseeko nti baakuzizzaayo mu bbanga lya mwaka gumu ate omwezi ogusooka mwe bazifunidde tebagubala.

Yagambye nti okufuna ssente zino, olina kuba musuubuzi mu katale ng'olina banno abakumanyi era n'abakulembeze mu katale balina okukusemba mu kibinja (Group) kya bantu 10 . Amagoba ku ssente zino ga bitundu 8 ku buli 100, nga bwe bakuwola akakadde kamu osasula amagoba ga mitwalo munaana omwaka mulamba.